**29TH March 2015.**

# OKUZAALIBWA OMULUNDI OGW'OKUBIRI.

**Yokaana 3:1 – 13.**

Mukweyongerayo kwaffe leero mu njiri ya Yokaana Omutume, nga tumaze okulaba nti Oyo Yesu Kristo gwatwanjulira ng'omwana wa Katonda, yalina obubonero nga Yokaana bwayita ebyamagero Yesu bye yakolanga okulaga Obwakatonda bwe, okukkiririzisa abo bonna beyaweererezaamu ani era kki kye yali. Era nga mu nvannyuma z'essuula ey'okubiri mu lnny. 23 lwe twanditutte ng'olwo olwanditandise essuula ey'okusatu, tugambwa nti…….
Era olw'ebyo bye tulaba mu nnyiriri ze tunnasaako essira leero, tunaakitwaala nti bwe tukijja mu lnny. 23, kituwa eky'okuba nti omwaami Yesu gwetunyumizibwa okutabagana naye yali kyakulabirako kw'abo abaamukkiririzaamu olw'obubonero bwe yakola mu massekkati gaabwe, naye Yesu n'atabeeyabizaamu kubanga yategeera bulungi emitima gy'abwe, kyalaga obulungi mu ngeri gyamuddamu.
*Tusome 3: 1- 13.*

Emirundi munaana mu nnyiriri zaffe, ekigambo okuzaalibwa gye kyogerwa, era nga tumanyi nti mu bukristaayo ky'ekimu ku nnono ezisingira ddala okutegeezebwa, wadde nga mu luganda kyakyuusibwa kuba " Kulokolebwa". Abo abakkiriza mu Yesu Kristo ng'omulokozi era Mukama b'ebo abayitibwa "Abazaalibbwa omulundi ogw'okubiri" – *"Born Again"*. Ekikozesebbwa kabe kasinge emirundi mingi nnyo, naye amakulu g'akyo negatatwaalibwa ng'ekikulu ennyo gyetuli, ate nga ge mazima Yesu gassaako essira mu ggamba emirundi esatu *"Ddala ddala nkugamba nti"* . Okkikakatikako obukulu ekyo kyagamba.

Abafalisaayo nga bwe tumanyi be baali akabondo k'abakulembeze b'Abayudaaya bannaddiini ab'etwaala okuba abakulu mu kuvvuunula amateeka ga Musa n'okugakwaasa mu nsomesa z'aabwe, era Yesu mu Matayo 23, abasenserera abawulize be, n'abakakasa nga bwe zibasanze emirundi egiwerako bonna Abawandiisi n'Abafalisaayo, era olulala akakasa abayigirizwa be, era n'abagoberezi be nti okujjako ng'obutuukirivu bwabwe busukkuluma ku bw'Abafalisaayo tebasobola kuyingizibwa mu Bwakabaka bwa Katonda. (Matt.

5:20). Bwatyo Yesu bwamusoma, n'amuddamu ekyo kyatamubuuzizza wadde, kubanga alaba obufalisaayo bwe yeetisse bumulese tali mu mativu ku kuyingizibwa kwe mu butuukirivu bw'obwakabaka bwa Katonda.
Bbo ng'abazzukulu ba Ibulayimu baalowozanga nti obuzaalirwana bwabwe awamu n'okkwaata kwamateeka ga Musa bye byaali bibakakasa okuba n'obusika bw'obwakabaka bwa Katonda, nga ne Paulo Omutume bwe yali annyonnyola mu Bafiripi 3:4 – 7.

Era Yesu kyagamba Nikoddemu, nti [ lnny. 3 ne lnny 5] nga kki kyategeeza….